

**ST. MARYS' KITENDE**  
**Uganda Advanced Certificate of Education**  
**RESOURCEFUL MOCK EXAMINATION 2020**  
**LUGANDA**  
Olupapula olw'osatu  
**Obudde: EsaawaSsatu(3hrs)**

**Ebigobererwa:**

- *Olupapula luno lugabanyiziddamu ebitundu bisatu A, B ne C.*
- *Mu kitundu A kolamu ekibuuozo kimu.*
- *Mu kitundu B, kolamu ebibuuozo bibiri (2) ekimu kya puloozi n'ekirala kimu okuwa mu bitontome.*
- *Ddamu ebibuuozo bina (4) byonna awamu.*

**EKITUNDU A**  
**Bwali butamanya: Mb Nsimbi**

1. Bulijjo omuzadde alafuubana okuluŋŋamya n'okugunjula abaana kyokka n'amaliriza ng'ayanjala ngalo. Kino MB Nsimbi akirambise atya mu lugero lwe?

2. “Ebyo eby'abakulu nga ggwe okuwa amagzi abasajja abakulu nga nze byali bya dda...!

i) Omwogezi w'ebigambo ebyo abigamba ani? (obuboneo 4)

ii) Ebigambo ebyo bisimbuddwa mu ssuula ki? (akabonero kamu)

iii) Nyonyloa ebigwa ku mwogezi w'ebigambo ebyo olw'okunyoomoola ebigambo by'abakulu. (obubonero 20)

zinunula omunaku: E.N. Kawere

3. “..... Bannange abajja okubakyalira osiriikirira basiriikirire ! Ye obwetta oyagala kuŋŋamba ki?”

i) Omwogezi w'ebigambo ebyo omuwandiisi w'olugero amutukyayisa atya? (obubonero 13)

ii) Agambibwa ebigambo ebyo azimbiddwa atya mu negri eraga obuvunanyizibwa? (obubonero 12)

4. Nga tumaze okutuula n'atunyumiza ebifa ku Mwami oyo... nga byonna bitiisa. Yatubuulira nti Omwami oyo muwalannyne nnyo.

- i) Ng'oggyeko omwami ayogerwako okuba omuwalye mizze ki emirala gyalina? (obubonero 11)
- ii) Okwewanika emitima kweyolekedde kutya mu lugero omusimbiddwa ebigambo ebyo? (obubonero 14)

## **EKITUNDU B PULOOZI N'EBITONTOME**

5. Soma ppuloozi oluvannyuma oddemu ebibuuzo ebikuwereddwa.

### **Tukome Okwegomba!!**

Mu buto bwange nail neegomba nnyo obulamu neegomba nnyo obulamu obulungi obutalimu kukalukana era nga nfuuyirira lunywe okulaba nga nage mbetuukamu era nga manyi nti bwekataligiry.....KMU ndowooza eyange buli eyakisinyangako nti abeera Kampala ng'oyo mubalira mu abo abaamalayo era nga mubyamagero byensabirira mbirabeko ekyo tekyabulangamu.

Mu kyalu gyetwayiiyizanga obulamu nga bwewagenyiwala avudde mu kibuga nga tumula ng'oyo gweboogerako alibwa engo wattu nga bweweekaliriza obuwero, nga tolema kufuna nsaalwa anti bwabanga bwa njawulo nnyo kubwekyalo. Bwewawulirizanga gino gyeboogerako egiggumiza ekibira nga gizanyisa luno **olulimi** olusasulire wamma ng'okkiriza nti Kabamba ggulu bbo yabaweesa ebiri.

Akageri ffe gyeyali enkola yaffe okukuba sitampu ku lino erinya abantu bwewafunanga omukisa n'olaba abasuddemu obulinnya obw'engeri nga siiti era nga tolema kwemulugunya olw'embeerayo. Mwana wattu ensis kyebeeredde ne bakadde baffe bwetwabeeranga olwalabanga ku bantu abo ng'ekitiibwa babayiira anti nga bwekuba kugaba byankatika bo bebasooka, buli kalungi nga bakaagaliza bbo nga nebato banaffe ku lubimbi bo tebaweebwa kkatala, ekyenky a nga be baana baliwo ate nno ekisava ekitaawebwanga ffe abaakolanga ng'obulogyo.

Nga nfunyemu ku mbavu olwo nga nebyo kusoma bimpunyira ziizi jjukira n'ago mu mu mutwe gaali gannesamba abaali bampa ebisale banzigya mu gano **agawlanyisa obutamanya**era wakati nga nkooye okulera engalo n'okukuba emisota ku kyalu nasaba omuzira kisa eyalina abamanye eyo gyenegomba antemere empenda njende neebereremu nsobole n'okutambuza obulamu bwange. Naye mu butaba mubi yasalawo okunyamba era liba teriri busa eyali ow'okuntwala yanzirukira olwo netukaanya nga nail wa kukola gunonaguli mu makaage ekintu kyesaawakanya gw'ate nze eyali talina bbaluwa yonna.

Nga ntuuse mu kibuga bino byenazuula yo abakola mu maka bakola butassa muka saako n'okulya ebivumo okuva ku bakamabaabwe oluusi

okubakakabasanya nga batuunuzibwa mu mbuga ya sitani wabula nga tebesiimidde. Abangi **bakolera bitole** bya mmere abandi balugulamu n'obulamu olw'embeera enzibu. Nze kamwo koogera ebimu ku bisoomoozo bye nkulaze nga maze okubirozaako nasalawo **ŋjondera** obutonde nenfunayo eyansaba **okumugya mu masiga** ekintu kyenakiriza.

Ono yabikka nze emigobante, yanyimbya endubaale nenjulirira n'okudda ku mulimu ogwanzigya mu kyalo anti ggwe wadde gwalimu **emiteeru** naye ng'ate togugerageranya ku mbeera kati gyenali mu.

Bweneetunulamu nga ndaba sirina kimenya gw'ate nga nail ninze kulemba lw'ekaganga. Nasiibula kugenda kulaba ku Mukwano gwange olwo nenfuuka omusu gw'ekanyanya. Anti ewa Mukwano gwange namalayo mbale nga nfunu gyakukakalabya mu bbaala, sirudde nfunye emikwano n'abakyala **banekolera gyange** abaagikakalabizanga okumpi n'ebbaala mwenakoleranga, mu bungi byeneegomba ku bantu bano kwe kwali okubulwa abatangira okukola byonna byebayagalanga okufuna ensimbi ez'amangu n'okweroboza ba Ssenkaggale bebayagala nga awataali abakuba ku Mukono.

Mbulira gwoyita naye.....nange natandika okukolagana n'abantu bano era wakati mu kumanyiira ogw'ebbaala nagusuulawo nentandika kulejjesa mukama kyeyampeesa ebiri naye olunaku olumuomugazi yajja ng'abalala netukaanya eby'ensasula nantwala mu kimu ku bifo gyetwakolera nga wakati ng'omukolo gukutte akati nawulira obulumi obusukiridde era nasaba "customer" okuwummazaamu ekintu kyeyagaana okukakana nakuba enduulu naye nga bbo abadduukirize bawoza kimu nti kandiba akakodyo akanya ak'omulimu. Oluvannyuma nakoma okutegeera era ddwaliro erimu ng'olwo lwebantegeeza nti nabaana baamunzigyemu era essanyu ly'okulera omwana siri lirozaako.

### **Ebibuuzo**

- i) Omunyumya ategese atya ebirowoozo bye? (obubonero 10)
- ii) Ekifo omunyumya kyeyegombanga kizimbiddwa mu ngeri etiisa. Kakasa kino. (obubonero 8)
- iii) Lwaki omunyumya atadde omutwe ku ebyo byanyumya? (obubonero 3)
- iv) Nyonnyola amakulu g'ebigambo bino;
  - Aliibwa engo
  - Olulimi olusasulire
  - Bimpuniira nziizi
  - Bakolera bitole bya mmere(obubonero 4)

### **Mpawo Kitakya: F.M. Masagazi**

Soma ekitontome "Okukozesebwa" oddemu ebibuuzo wammanga.

Okukozesebwa

Olumu mbaako ne bye saagala nyae  
Olw'obukozeswa ne mbikola. Abakozesa  
abasinga tebakimanya nti, akozesebwa naye  
alina eddembe ly'obwebange!

Okukoseswa!  
Okukozeswa nkumaze, sirina gafa  
Abalenzi n'abawala, mbawa gaabuwa  
Weeyigirize akalimu, nga kako bubwo  
Ne bw'ofuna ttaano, nga zizo bubwo  
Okucungwa n'ekkatala, oliba ofumye  
Ekitiibwa n'onnyoomwa, ziriba ngero  
Okufuna ku ddembe, ebyo by'ofuna

Okukozeswa!  
Ne bw'oba ng'olwadde, olina okkola  
Omulambo gwa ssenga, tolikaabako  
Amasanyu g'ensi eno, ofunako kkumi  
Toliweebwa ku ssente, ezimala awaka  
Ne bakucunga n'owulira, oyagala omale  
Bw'olowooza n'opimamu, ng'olina okkola  
Okkozeswa nkumale, nandiki nkole?

Okukozeswa!  
Okukeera mu bunyonyi, okuukeyo okole  
Ekkatala lya leero, lisula liwedde  
Lye ddoboozi ly'omukulu, erikubuuza ku nkya  
Ekkatala lya jjo, ggwe wakoze bubi  
Lye ddoboozi ly'akulira, awo w'okola

Okukozeswa!  
Abooluganda lw'omukulu, nabo weebali  
Okutungisa eddinda, erya sikaati ye  
Okusasula fiizi, z'abawala n'abalenzi be  
Okutwala ne mukene, mu bukoko bwe  
Okukoola n'omuddo, gwa vanilla we  
Okufuuyira ennyumba, nzite n'ensie!  
Okukozeswa nkumale, nandiki nkole?

Okukozeswa!  
Awatali na lunaku, lwa kuwummula  
Toligendako wammwe, olabe bakadde bo  
Tolituulako awo, nga weeeoozezza  
Tolikwatirwa kafansonyi, olw'ebizibu byo  
Toliyongezwa kasente, olw'okukola kwo  
Tolifiibwa ku ndwadde, ezivudde ku kkola  
Okukoseswa nkumale, nandiki nkole?

Okukozeswa!  
 Ka nsigalire kukola, kagezi abuze  
 Naye okukola nga, nkiise terbia ssanyu  
 Olukedde lwe lujja, balisasulwa  
 Bwe ndirinnya ku swiici, kiriba kitya?  
 Bwe ndirekamu enkanga, guliba gutya?  
 Bwe ndirekamu enkanga, guliba gutya?  
 Bwe sirija ku olwo, olw'okkola ennusu?  
 Kuyambagana!

### **Ebibuuzo**

- i) "Omutontomi atuleetera okwekyawa". Ddamu nga wesigama ku sitanza eyokubiri. (obubonero 5)
  - ii) Obubonero bulina bukulu ki mu kiwandiiko ekyo? (obubonero 6)
  - iii) Olukusa lw'omutontomi lweyolese lutya mu kiwandiiko ekyo? (obubonero 4)
  - iv) Omudigido gukuumiddwa gutya mu kiwandiiko ekyo? (obubonero 5)
  - v) Nyonnyola amakulu g'ebigambo bino nga bwe byeyambisiddwa;
    - Oliba ofumye
    - Ziriba ngero
    - Ofunako kkumi
    - Ekkatala lya leero
    - Gujja kutemwa
 (obubonero 5)
7. F.M Masagazi yettanidde atya akakodyo k'okweyambisa ennimi ez'enjawulo mu bitontome bye ebyenjawulo? (obubonero 25)

### **Omulanga Gwa Lawino: Okot P'Bitek**

8. Soma ekitontome SIMANYI KUFUMBA MMERE Y'ABAZUNGU oddemu ebibuuzo ku nkomerero.

### **SIMANYI KUFUMBA MMERE Y'ABAZUNGU**

1. Mu nnyumba ya maama  
 Tulya tutudde wansi ku maliba g'ensolo  
 Oba ku biwempe eby'ebitoogo,  
 Tetutuula ku miti nga nkima.  
 Taata yekka y'atuula waggulu,  
 Ku ntebe ye ey'ekitiibwa.
2. Abaana abalenzi batuula kiswayiri,  
 Abawala bafukamira bulungi ne beewumbako,  
 Bonna ne basiriikirira  
 Ne bawa abakulu ku mmere ekitiibwa.
3. Obwambe obuli mu nnyumba ya maama

Omulimu bukola gwa kukungula birime  
Na kusalaasala nnyama nga tennafumbibwa;  
Tetubukozesa kusala mmere nfumbe  
Era tetubuliisa,  
Nga Abazungu bwe bakola.

4. Abatalina mannyo mu kamwa  
Be bayinza okukozesa obwambe,  
Ennyama eyidde ne bagisalaasalamu  
Obufi bwe basobola okumira;  
Naye omuntu alina amannyo ge  
Ennyama agikwata n'emikono gye  
N'agisikaasikanya.
5. Tunaaba bulungi engalo zaffe  
Omuwumbo gw'akalo ne tugutulugunya  
Nga tugufuluma ku njuyi zonna.  
Okuunyuula ekitole ky'akalo  
Ekyenkana ekikonde,  
N'okinyigaanyiga ne kifaanana ejjiiko,  
N'olyoka okinnyika mu ssupu,  
N'okibwebwena.
6. Mu buwangwa n'empisa zaffe,  
Tetuliisa Mukono gwa kkono;  
Ne bw'oba wa nkonomoko  
Oteekwa okwekakaba,  
Okuliisa omukono ogwa ddyo.  
Zino ze mpisa ennungi  
Ezisuubirwa mu buli ayitibwa Omucholi  
Abantu abaliisa emikono egya kkono,  
Tebaba na buntubulamu  
Era baba baakuzibwa bubi.
7. Ocol gye yasomera eyo  
Baamuyigiriza ememre okugikwasa ebyuma,  
Omukono ogwa kkono, gwe gukwata wuuma,  
Era gwe bateekesa emmere mu kamwa;  
Kino kyesisiwaza buli Mucholi akiwulira.  
Eky'emmre okugikwasa ebyuma  
Kyo sikitgeererako ddala:  
Ebeera ekaawa,  
Oba ebalabikira nga musota?  
Emmere y'Abazungu tempoomera,  
N'engeri gye bagiryamu tennyumira  
Nze ndi mukazi Mucholi  
Era mpoomerwa mmere Ncholi

8. Ocol agamba  
Nti emmere y'abaddugavu  
Si ya kigunjufu.  
Naye okuggyako okutulimba obulimbi:  
Bugunjufu bwa ngeri ki bw'ayogerako,  
Ng'eno ye mmere eyamukuza?  
Ate bw'ava awo,  
Mbu emmere y'Abaddugavu ebeera ncaafu.  
Bw'aba ayogera ku bikazikazi  
Ebifumba emmere mu ntamu ezitali njoze,  
ayinza okuba omutuufu;  
Naye kino si kya Baddugavu bonne.

### **Ebibuuzo**

- i) Obutontomi bw'omuwandiisi bweylekedde butya mu kitintome ekkyo? (obubonero 8)
  - ii) ekitiibwa ky'abaddugavu kivvooleddwa kitya mu sitanza esembayo? (obubonero 2)
  - iii) Omutontomi ayolesezza atya obukugu bwe mukweyambisa olulimi? (obubonero 6)
  - iv) Omudigido gukuumiddwa gutya mu kiwandiiko ekkyo? (obubonero 3)
  - v) Nnyonnyola amakulu g'ebigambo bino nga bwebyeyambisiddwa.
    - Okuunyuula ekitole ky'akalo
    - Oteekwa okwekakaba
    - kino kyesisiwaza
    - Mmere Ncholi (obubonero 4)
  - vi) Leetayo ebifaananyi bibiri ebikubiddwa mu kitontome. (obubonero 2)
9. Omucholi ateekakasa mpisa, mirimu n'embeera z'abaholi, Bweyekwata omulanga gwa Lawino talemwa kubizuula. Kakasa n'ebyokulabirako.

### **EKITUNDU C**

#### **Lozio Bba Ssesiriya : Wycliff Kiyingi**

10. Ekifuula nnenge mu buwangwa bw'Abaganda kyeylekedde mu muzannyo Lozio Bba Ssesiriya. Kubaganya ebirowoozo. (obubonero 25)
11. .... (Ate akomawo) nti Mukasa fuluma nga sinnakumalira kasanduuko mu mutwe!
  - i) Omwogezi w'ebigambo eby takiikiridde bulungi bantu bakikula kye. (obubonero 15)
  - ii) Ng'ogyeko omwogezi ne Mukasa menyayo abantu abalala babiri abali mu kifo weboogerera ebigambo ebyo. (obubonero 2)
  - iii) Agambibwa ebigambo ebyo aleese atya amakoona mu kitundu ebigambo mwebivudde. (obubonero 8)

**Bemba Musota : E. N Kyeyune**

12. Ddala ensi ya Bemba yali nnungi nga tesaanye kutabangulwa.  
Kubaganya ebirowoozo nga weesiba ku ebyo ebiri mu muzannyo.

(obubonero 25)

13. Omuzannyo Bemba Musota gwekuusa ku byafaayo bya Buganda  
ebyedda ennyo. Kakasa endowooza eyo n'eb yokulabirako. (obubonero 25)

***BIKOMYE***